# Abatemu bawambye omwana ne bamutta

Bya WASSWA B. SSENTONGO

ENTIISA ebuutikidde abatuuze ku kyalo ky'e Nkokonjeru e Kawanda mu divizoni y'e Nabweru mu Nansana Munisipalite, abatuuze bwe bagudde ku mulambo gwa muwala wa mutuuze munnaabwe.

Attiddwa ye Mitchelle Nabukenya, 7, nga muwala wa John Bukenya (38) ne Anita Kyobula. Abadde asoma ku Richie Primary School erisangibwa e Wamala mu P.2.

Omulambo gwasangiddwa mu ffaamu ya Kawanda Research nga kiteeberezebwa nti baasoose kumusobyako ne bamutta. Omulambo gwa Nabukenya gwalabiddwa omutuuze Stephen Kyeyune eyabadde agenze okusaawa w'agenda okusimba muwogo. Yategeezezza ssentebe w'ekyalo kino, Steven Serwadda eyayise poliisi.

Kyobula yagambye nti omwana waabwe yabula ku Mmande bwe baali bamutumye ku luzzi ku ssaawa 11:00 ez'olweggulo.

"Namulinda ne ziwera ssaawa 12:00 nga sibamulaba, kwe kumuwondera ne nsanga obudomola bwe nga buli mu kkubo kwe kulowooza nti yagenze ne banne okuzannya.

Obudde bwe bwaziba kwe kubuuza ku mikwano gye abang'amba nti waliwo omusajja eyamutwala ng'amugambye agenda kumugulira ekiberenge," Kyobula bwe yannyonnyodde.

Baatandika okuyigga wabula wakati mu kunoonya waliwo eyabakubira essimu n'abasaba emitwalo esatu akomyewo omwana. Baaziweereza wabula ate n'abasaba obukadde bubiri nga tebazirina n'ekyazzeeko kusanga mulambo.

Atwala poliisi y'e Kawanda, Charles Ambayo yasabye abatuuze okutemya ku poliisi nga balina amawulire ge bafunye akakwata ku ttemu lino. Poliisi yatutte omulambo mu ggwanika 'e' Mulago.